Abasiraamu bonna bakkiriza era bakakasiza  ddala nti Muhammadi (emirembe gibe kuye ) ye nabbi eyasembayo okukoowoola abantu okugondera n'okusinza Katonda omu yekka Abamu ku bannabi bano kwe kuli ; Adamu, Nuuhu ,

Yusuf , Yakubu , Ibrahim , Dauda , Yisa Masiya ne musa (emirembe gibe kubo bonna).

Abasiraamu tebasinza Muhammad ate tebamusaba kubalunngamya oba kubawa bukkiriza (emirembe gibe  kuyye) ye yagamba ;

“Temungulumizanga nemusukka ekikomo ng'abakulisitaayo bwe baakola ku Yisa Masiya , omwana wa Mariam. Nze ndi muweereza buweereza wa Katonda , era mumpite Omuweereza era omubaka wa Allah”.

Mungeri yemu abasiraamu bakkiriza nti nabbi Musa (emirembe gibe kuye ) yatumibwa na Taurat ate Yisa masiya ye n'aweebwa Enjili Abasiraamu era bakkiriza nti Muhammadi (emirembe gibe kuyye ) yatumibwa na Quran era ng'alina okulagira ddala n'okuyigiriza nga amateeka gaayo bwe galina okussibwa mu nkola.

Ebimu ku bigambo bya nabbi (emirembe gibe kuye ) bye bino .

Abo abasinga obulungi mu mmwe beebo ababasinga empisa ennungi “Allah tajja kusaasira muntu yenna ata saasira bantu balala”,

“Ow'amaanyi ssi y'oyo asinga abantu okumeggana, oba okulwana wabula y'oyo afuga obusungubwe nga asunguwadde”

“Tunuulira oyo omuntu aliwansi wo , wabula totunuulira oyo ali waggulu wo olwo ojja kusobola okwebaza ebirungi Katonda by'akuwadde”

“Beeranga mwetoowaze era tokosa balala ate teweetwalanga okuba asinga abalala”

“Tonyoomanga omulimu omulungi mutono gutya gamba nga okulaga muganda wo ekyenyi ekisanyufu”

## EBIKWATA KU KUSINZA

kirambise bulungi nti Obusiraamu buyigiriza nti Katonda Omu yekka y'alina okusinzibwa Naye okusinza kye kki?

Abayivu b'obusiraamu bannyonnyola “Okusinza”

“Ng'ekigambo ekikunngaaanya ebikolwa byonna n'ebigambo eby'omunda n'ebirabikako ku muntu nga bigendererwaamu okusanyusa n'okusiimisa Allah”

Kale nno , okusin\za mu busiraamu  tekikoma ku nsonga nkulu zokka nga , okusaala , okusiiba okusaddaaka / okugaba, okulamaga olugendo olutukuvu olw'emakka, wabula kisukkawo kw'ebyo,

Omuntu asobola okufuula ebikolwa bye ebya bulijjo okusinza ssinga aba alongoosezza omutima gwe nga anoonyamu kusiimisa Allah mu bikolwa  bye Omubaka wa Allah (emirembe gibe kuye) yagamba ,

‘Okulamusa omuntu kuba kugaba . Okukola amazima kuba kugaba Okuyamba omuntu kunsolo ye kuba kugaba ekigambo ekirungi kuba kugaba ,

Buli luta omuntu lw'atambula okugenda okusaala kuba kugaba, okuggya ekyesittaza mu kkubo nakwo kuba kugaba.
Okukola ng'onoonya ssente ezikuyimirizaawo kusobola nakwo okukolebwa kulwa Katonda ssinga kikolebwa olw'ebigendererwa ebirungi (nga ekukola okuyamba aboomu maka go. Naye ssinga omuntu akola okweraga okufuna ebitiibwa olwo okukola kwe tekuba kisinza

Ebyo waggulu biyinza okuwulikika ng'ebiva ku abo abatwala eddiini nga enkolagana ebeera wakati w'omuntu ne Katonda kyokka, era nti tekwatibwako bintu birala byonna ebitali nti biringa emirimu gy'okusinza egimanyiddwa obulungi nga okusaala.  Ekituufu  nti obusiraamu, tebukoma ku kubeera ddiini kyokka wabula bubuna buli nsonga yonna ekwata ku bulamu bw'omuntu


**AIDA:**

africaislamicdaawah@gmail.com


+256702643001 +256701571550

**Ahlan:**

Ahlan.Explore

info@ahlan-group.com

http://www.ahlan-group.com/

A I D A

AFRICA ISLAMIC DAWAH ASSOCIATION

# EBIKWATA KU BUSIRAAMU MUBUFUNZE



# EBIKWATA KU BUSIRAMU

Ebikwata ku busiramu
Okukkiriza n'okusinza katonda omu kye kikolo ky'eddiini y'obusiraamu.

Amadiini mangi nago gagamba nti gakkiriza katonda omu, wabula go kwekyo gamugatta n'ebisinziibwa ebirala okugeza gakola bino wamanga:

Okusinza n'okusaba katonda okusonyiyibwa nga bayita mu bitonde bye.

Okuwa ebitendo bya katonda yekka ebitonde ebirala oba abantu.
Okuteekawo abavuganya ne katonda nga babasitula okubateka ku ddaala lye.

Ebikolwa ebyo ebyogeddwa wanggulu bikontanira ddala n'enjigiriza yobusiramu.

# EBIKWATA KU ALLAH (SWT)

Allah lye linnya lya katonda omu ery'obwannannyini.

Erinnya "Allah" ligatta ebigambo bibiri eby'oluwarabu.

"Al" ne "ilah" "Al" kitegeeza oyo eyeeyawulidde omutuufu , ate "ilah" kitegeeza katonda (asinzibwa).

Ebigambo bino ebibiri bwe bigattibwa bitegeeza,
"Oyo katonda omutuufu oba "oyo katonda eyeeyawulidde," era alina okusinzibwa yekka.

Tewali kitundu kirala kyonna kisobola kuyitibwa Allah. Ekigambo kino tekirina bungi bwakyo oba nti kitegeeza kisajja oba kikazi kino kiraga nti enjawulo yaakyo nnene
bwokigeragerananya n'ekigambo "katonda " ekisobola okuzzibwa mu bungi (ne bakatonda).

# ABASIRAAMU BAKKIRIZA NTI ALLAH OMU YEKKA:

Allah ali omu era talina bamuyambako nakatono

Allah talina bamwenkana wadde be yeebuuzaako.

Obusiraamu tebukkiriza kufaananya Allah muntu yenna.

Tewali kimufanana mu bitonde bye.
Tewali kimugeragerananyizibwako.
Tewali kintu kya katonda kiri mu kintu kirala kyonna (newankubadde nga okumanya kwe kubuna buli kintu).

# OYO ALINA OKUTENDEREZEBWA:

Tewali muntu oba kintu kirina kusinzibwa okuggyako Allah.

Okusinza kwonna n'okusaba okuyisibwa mu bakabona, bannabbi, n'abantu abalala oba ekitonde kyonna okwo kuba kusamira.

Allah awulira abo bonna abamutendereza.

Buli muntu asobola okutuuka ku Allah mu kusaba n'okumusinza nga talina gwayitiddemu.

Abasiraamu bo basinza era basaba Allah buteerevu nga tebalina gwebayitiddemu (nga amasanamu, bakabona b'eddini, bamalayika, emmunyeenye, Isa masiya (emirembe gibekuyye), ebisolo, entaana oba ebibumbe.

# OMWENKANYA.

Allah alamula buli kintu okusinziira ku bikolwa byakyo era buli muntu avunaanyizibwa ku bikolwa bye.

Abantu basobola okusembera n'okufuuka ab'enkizo eri Allah nga bayita mu kutya n'okukola emirimu emirungi egisinga ku

gy'abalala (wabula ssi kulwa bugagga bwaabwe oba amawanga gaabwe).

# OWA WAGGULU ENNYO

Allah ali waggulu wa bitondde bye byonna era wanjawulo kubyo.

Ekitibwa kye tekigeraageranyizibwa ku kintu kyonna.

# OW'EKISA

Allah tageraageranyizibwa na kitonde kyonna mu bitonde bye mu kusaasira, wabula ate yye musaasizi nnyo okusinga eri maama eri omwana we omuwere.

Tewali noomu azaalibwa kubeera mwonoonefu.

Allah asonyiwa ebibi byonna.

# OW'AMAANYI (KIRIMAANYI)

Allah talina bavuganya nabo mu buyinza bwe
Enjigiriza nti Allah yawummula ku lunaku olwomusanvu, ng'amaze okutonda tekirina bujulizi mu busiraamu.

Allah y'alina obusobozi ku buli kimu.

Okugondera Allah tekyongeramu maanyi ate n'okumujeemera tekikendeeza maanyi ge wadde akatono.

Tewali kikoola kigwa okuva ku muti wabula nga Allah akimanyi.

Okufumiitiriza ku kitiibwa n'obuyinza bwa Allah kifuula omuntu omugonvu gyali. Kino Allah ky'ayagala tukole tusobole okumutegeera nga tukaka nga tukakasa ebitendo bye n'amannya ge n'okukkiriza ekitiibwa kye n'amaanyi ge, okumusinza n'okumugondera. Mu mannya ga Allah amalungi nga gano;

# OMUTONZI ALABIRIRA

- Omusonyiyi
- Asiima abaddu be
- Omumanyi omukeenkufu
- Ayanukula abo abali mu buzibu ssinga baba bamusabye.
- Omugulumivu atageraageranyizibwa

# EBIKWATA KU Qur'an (kulaane)

Abasiraamu bawuliriza nti Qur'an bye bigambo ebyava eri Katonda (Allah) Bw'ogigattako n'ebigambo bya nabbi Muhammad (emirembe gibe kuyye), yo gye tuggyamu okumanya kw'eddiini y'obusiraamu
Gano wammanga ge gamu ku mateeka agalimu obujulizi ku ebyo bye tulabye.
Allah y'oyo, yekka -Tewali katonda mulala yenna atali yye. Qu'ran kale temuteekawo benkanankana na Allah bonna abatali yye ate nga nammwe mutegeera Qur'an 2:22 ate musinze temumu gattako ekintu kyonna Qur'an 4:36 Gamba : Musinza mutya mukifo ekitalina maanyi okutuusa obuzibu kummwe wadde okubagasa"

Tewali n'ekimu kimufaanana era yye awulira era alaba buli kimu
Quran 42:11 katonda wammwe agamba " Munsabe Nze nja kubaamukula " Quran 40:60

# EBIKWATA KU NABBI MUHAMMADI (EMIREMBE GIBE KUYYE )